# *Eddoboozi Lya Katonda Mu Nnaku Zino Ez'Oluvannyuma*

Ddala mukisa okukomawo nate mu bantu bano Abasipeyini enkya ya leero. Era nneewuunya oba Jim bino abikwata. O, abikwata ku lutambi. Nkyalina olutambi kkwaya entono eri ey'Abasipeyini lwe baakwata lwe nnali wano mu kusooka n'Ow'oluganda Garcia. Kyokka nneerabira oluyimba olwo lwe baateranga okunnyimbira. Naye, o, nga lwannyumira! Era abaana abo kati bonna baakula era bafumbo. Ntera okubawuliza buli luvannyuma lwa kaseera. Era nnyingidde wano enkya ya leero ne ndaba Joseph omuto, era ddala kirina kye kikoze munda yange, era nnasanyuse nnyo okubalaba.

2 Era, kati, nnina ekigambo kimu kye nsobola okwogera mu Lusipeyini. Mwandyagadde okukiwulira? "Alleruya!" Ssiryerabira kigambo ekyo. . . lumu bwe nnali nga ngezaako okwogera eri omukazi kiggala nga njagala ampulire. Kati, kino nnyinza obutakyogera bulungi n'akatono, olaba, naye kye nsinga okujjukira obulungi kyali "oye." Kyekyo? *Mpulira. Wulira,* "oye." Era ssisobola kwerabira, "Gloria a Dios!" Kirungi nnyo! Ha, nnafuna omukisa okugendako mu kibuga ekikulu, Ekibuga Mexico, ne njogerako nabo eyo. Nga nnasanyuka nnyo! Era nnateranga oku. . .

3 Bwe nnava wano nnagenda Finland. Era bulijjo kinzijukiza lwe nnayogera n'omukazi Omufinni. Bantwala mu kifo kye bayita e "besaniya." Buli ggwanga lirina endowooza yaalyo. (Ndi, muwulira amaloboozi bwe gawaawaala, nsemberedde nnyo guli? Muwulira bulungi? Kale.) Omukyala ono omutono, yali muntu mulungi. Wabula yali nga nze, yayagalanga nnyo okwogera olutata. Kati omuvvuunuzi. . . omukazi yayogeranga ayanguyiriza, ate—ate omuvvuunuzi n'atasobola kwanguyiriza kimala nga omukazi bw'ayagala ayogere. Era omukazi nga ayimirira n'amyukirira ne mu maaso, n'agamba nti, "Nkivunaana be Babulooni."

4 Naye, omanyi, kye ndabye kiri nti ebi—ebinyonyi byonna biyimba mu Lungereza, embwa ziboggola mu Lungereza, abaana abawere bakaaba mu Lungereza. Ne nneebuuza kikyamu ki ekituliko. Kubanga ffenna tulowooza nti—nti olulimi lwaffe lwe luliba lwogerwa mu Kufuga kw'emyaka olukumi, mu buli ngeri. Naye eri ffe abaafuna Omwoyo Omutukuvu, ekyo kituufu, kubanga tulina olulimi olw'Omuggulu.

5 Tulina Ow'oluganda Rowe wano naffe enkya ya leero, omukungu okuva e Washington. Nzikiriza aweerezza wansi wa

ba Pulezidenti bataano oba mukaaga, ba Pulezidenti musanvu. Era mumanyi bwe mpulira nga nnyimiridde kuno, ku kadaala kano, okwogera, nga omusajja nga oyo atudde emabega wange. Naye obujulizi bwe bubaddenga bwa nkukunala nnyo gyendi, okusingira ddala bwe ya . . . Nzikiriza yali Muluzalaani, bwemba ssiwubiddwa, yali Mukatoliki oba Muluzalaani, Muluzalaani. Era yagamba nti . . . waliwo kye yayogera ku kwewalula n'ayingira mu weema y'olukuŋŋaana lw'Abapentekoote, n'asituka . . . N'akomekkereza nga agenze ku wolutaali, era, bwe yakikola, Mukama n'amukkako n'amuwa omukisa mu ngeri ey'amaanyi n'okutuusa nti . . . Ndowooza asobola okwogera mu nnimi nga musanvu ez'enjawulo. Era agamba nti yagezaako okwogera olumu, "ne lugaana," n'agezaako olulala, "ne lugaana." Era ndowooza asobola okwogera Olusipeyini nga nammwe bwe mulwogera. Kale ya—yazigezaako zonna, naye ne zigaana. Era, laba, omanyi, Katonda yali mulungi nnyo, yakka wansi n'amuwa olulimi lw'atagezangako, era yagamba nti, "Lw'akola." Kituufu. Ndowooza bwe kityo bwe kiriba ku luuyi luli.

6 Bingi bye nzijukira mu mutima gwange ku kkanisa entono eri, nzikiriza e . . . ha, nneerabidde gy'esangibwa. Eri mu bitundu bino kumpi n'Oluguudo Tonto. Era ekyo nkijjukira. Nsobola okulowooza ku kigambo "Oluguudo Tonto," ekkanisa y'Abasipeyini Abapositoliki we yali.

7 Nabadde ŋŋamba omusumba nti, "Kino kyandibadde kifo kinene ekimala okutegekeramu enkuŋŋaana ez'okudda obuggya," wagazi bulungi, kkanisa mpya, bantu balungi. Kale ndowooza lumu kyanditegekeddwamu enkuŋŋaana ez'okudda obuggya. Mukisabire, mujje mubeere n'enkuŋŋaana ez'okudda obuggya. Kati, nsuubira kuno kuddiŋŋana kwa ziri ze twalina wali mu kkanisa eri endala. Nzijukira nga baayimirira mu luggya, ne beesigama ku lukomera, nga bwe badda eno n'eri mu nguudo, nga bagezaako okuddayo ekiro, ddala kyali kirungi nnyo sikyerabiranga. Era nnina o—olutambi lw'abakyala abato, abawala n'ab'oluganda abaayimba ne bakola olutambi. Era baagezangako okuyimba "Kkiriza Bukkiriza," naye omanyi, nga tebaluggyayo bulungi. Nga bagamba, mu kifo kya "kkiriza bukkiriza," nga baatula "kkiriza yeonea," olaba.

8 Era nzijukira Rebekah, muwala wange, Sarah, nga bo bagamba nti, "Taata, yimba, teekako luli oluyimba lwa ba . . . " Mu kifo ky'okugamba nti, "Abasipeyini," nga tebasobola kwatula kigambo ekyo, nga bagamba, "Abawala abasipinaci, abawala abato abasipinaci abayimba 'Kkiriza Bukkiriza.'"

9 Wewaawo, nzijukira baagoberera enkuŋŋaana. Okudda obuggya kwali kugenda mu maaso mu kiseera ekyo, era baagoberera enkuŋŋaana okutuukira ddala ku Lubalama lw'Ebugwanjuba. Era nna . . . waliwo akantu akatono akaawambira mu mutima gwange bwe twava e California,

Ow'oluganda Moore nange, n'Ow'oluganda Brown, waggulu ku paalamenti. Era bwe nnayita mu kizimbe ekyo ekiro ekyo, nga abaana abo bayimiridde awo bayimba nti, "Afaayo gy'oli." Mwali muluwuliddeko. "Ka kube kwa musana oba kwa kikome, Afaayo gy'oli." Emirundi mingi mu mawanga ag'ewala, mu ntabaalo z'okutegana kw'ensi, mu kugezaako okuleeta Obubaka bwa Kristo, Nnajjukiranga abawala abo n'abalenzi nga bannyimbira oluyimba olwo nti, "Afaayo gy'oli. Ka kube kwa musana oba kwa kikome, asigala afaayo gy'oli." Kale ekyo kiŋŋumizza nnyo, era kinnyambye.

10 Nsisinkanye omusumba wammwe omulungi, era ne nsanyuka nnyo okulaba nga ekkanisa nnamu era mulina ekizimbe kino ekinene ekirungi wano, mwenna mwe mutuula, n'awasimbibwa ebidduka awanene. Ekifo ekigwaanidde mu mikono gy'Omwoyo Omutukuvu, ssinga tusobola okumuleetera okukiraba ategeere nti twetaaga okudda obuggya. Ajja, nzikiriza nti yandikutuwadde.

11 Kaakati, ekiro kya leero tujja kuba ku kkanisa y'Ow'oluganda Outlaw, ekkanisa y'Erinnya lya Yesu, ku ludda luli. Era Ow'oluganda Outlaw, nzikiriza wa . . . wa kkanisa y'Apositoliki, naye. Ndowooza yagituuma erinnya nga ye, ekkanisa, Erinnya lya Yesu. Ndowooza wa nzikiriza ey'ekitume. Kale tujja kubeera eyo ekiro kya leero. Ate kati tetugezaako kugamba kkanisa y'Abasipeyini nti, "kati nammwe mujjeeyo," kubanga mulina kusigala awo we muvunaanyizibwa. Ate era wagenda kubaawo olukuŋŋaana gaggadde olw'Abasajja Abasuubuzi Abakristayo, okutandika n'Olw'okuna, nga enkuŋŋaana ez'omukkanisa endala zikomekkerezeddwa, ku Lw'okuna. Era mu lukuŋŋaana luno, bagenda kubaayo n'aboogezi abatutumufu, era ne Oral Roberts, n'ow'oluganda omu Omumesodisiti eyaakalokoka, era bagamba mbu mwogezi wa maanyi nnyo. Era nkakasa nga mujja kunyumirwa enkuŋŋaana zino. Era mmwe abaana abali wakati w'emyaka kkumi n'esatu ne kkumi na mwenda, nammwe baabategekeddewo olukuŋŋaana lw'abali wakati w'emyaka kkumi n'esatu ne kkumi na mwenda, nga ow'oluganda bwe yaakamala okulangirira. Abaana bange nja kubatwalayo nabo basobole okuganyulwa mu kino. Kale nno mubeereeyo, tunaaba basanyufu okuba nammwe. Mukama abawe omukisa mwenna.

12 Era kati njagala okubikkula mu Bayibuli nsome ku Kigambo Kye eky'omukisa. Era nnonze enkya ya leero, okumala akaseera akatono, ssaagala kubalwiisa nnyo, bye tugenda okusoma, nga ekimu ku byo kisangibwa mu Samwiri Ekisooka, ekirala kisangibwa mu Isaaya. Era njagala kusooka kusoma mu Isaaya. Era nna . . .

13 Muwulira bulungi, wonna we muli? Mu makkati g'obuzindaalo buno, bundabikira okuba nga bwa kwegendereza

nnyo, ssimanyi lwaki. Mmwe abali ewala muwulira bulungi, muwanike emikono. Kirungi, kirungi.

14 Kati, ndi musaakaavumukko, weewaawo, ekyo kiva ku kwogera nnyo. Era okuva lwe nnali wano n'ab'oluganda bano Abasipeyini, emyaka nga kkumi na mukaaga egiyise, ndowooza, ob'olyawo emyaka nga kkumi na mukaaga oba kkumi na musanvu egiyise, wewaawo, mbadde mbuulira okuva mu kiseera ekyo. Kale nnali mukoowu kw'olwo, bwe nnagamba, era nkyali mukoowu, naye nkyagenda mu maaso olw'ekisa kya Katonda.

15 Kati ka tubikkule mu Isaaya 40, essuula ey'amakumi 40 eya Isaaya; n'essuula 1, manyanga essuula ey'oku 3 eya Samwiri Ekisooka. Era nga tukyakutte we tubikkudde awo olw'okusoma Ekigambo, nnandyagadde kaakati tukoteke ku mitwe gyaffe okumala akaseera tusabe.

16 Kitaffe Ow'omuggulu, tusiimye nnyo olw'omukisa guno ogw'okuyimirira mu kkuŋŋaaniro lino eddungi leero eryawongebwa eri Katonda ne ku lw'omulimu Gwe. Era nga bwe tumanyi nti abaddu Bo bayimiriddenga emabega w'akadaala kano manyanga ekituuti emirundi mingi, n'obulamu obweweereddeyo ddala okukuweereza.

17 Era nga *kino,* enkya ya leero, kituleetera okujjukira, okujjukira okudda obuggya okwali kutandika obutandisi, n'Omwoyo Omutukuvu eyakka mu ngeri y'Ekitangaala ekinene, nga Empagi y'Omuliro, era n'Ayogera nti Obubaka bwali bulina okubuna wonna mu nsi. Ate kati ebyo byafaayo bya dda. Obubaka bukutte omuliro okuyita mu basajja ab'amaanyi, bwe baamala okukiraba, nga Oral Roberts ne Tommy Osborn, ne Tommy Hicks n'abalala bangi. Era okuyita mu maanyi ag'awamu ge tutaddemu, tulaba nga Obubaka bukoleezezza omuliro gw'okudda obuggya mu buli ggwanga wansi w'Eggulu, ogw'Obubaka bwa pentekoote. Olwa kino twebaza era tukuwa ettendo, Ai Katonda Ow'amaanyi.

18 Era kati olwa leero tusaba osse emitima gyaffe mu mbeera, gyetegekere Okukwakkulibwa okukulu okunaatera okubaawo, bwe tukkiriza. Era emitima gyaffe bwe giba tegiteekeddwa mu mbeera eyo olw'ekyo oba olw'ekintu ekirala kyonna ky'Otuterekedde, tusaba otusonyiwe obuteeyinza bwaffe, oyogere gye tuli leero okuyita mu Kigambo Kyo. Wa omukisa omusumba w'ekkanisa eno, abadinkoni baayo, abawanika, n'ekibiina kyonna, ba mmemba. Wa omukisa kkwaya eno, n'omukubi w'ennanga, abakubi b'ebivuga. Bonna wamu, bawe omukisa abayingira mu wankaaki w'ekifo kino. Leka buli lwe banaafulumanga babe nga bakyusiddwa, nga bongedde okusembera gy'Oli okusinga bwe baabadde nga bayingira. Kituwe, Kitaffe. Era leka kibe bwe kityo, n'enkya ya leero, kubanga tukisabye mu Linnya lya Yesu. Amiina.

19 Kati nga tubikkula mu Kitabo kya Isaaya, essuula eya 40, ka tusome.

> *Musanyuse, musanyuse abantu bange, bw'ayogera . . . Katonda.*
>
> *Mwogere* ebigambo ebisanyusa eri *Yerusaalemi, mumukoowoole, nti entalo ze zimalirizibbwa, ng'obutali butuukirivu bwe busonyiyiddwa; ng'aweereddwa mu mukono gwa MUKAMA emirundi ebiri olwe . . . ebibi bye.*
>
> *Eddoboozi ly'oyo ayogerera mu ddungu, Mulongoose mu lukoola ekkubo lya MUKAMA, mugololere mu ddungu Katonda waffe oluguudo.*
>
> *Buli kiwonvu kirigulumizibwa, na buli lusozi n'akasozi zirikkakkanyizibwa: n'obukyamu buligololwa, n'ebifo ebitali bisende biritereezebwa:*
>
> *N'ekitiibwa kya MUKAMA kiribikkulibwa, ne bonna abalina omubiri balikirabira wamu: kubanga akamwa ka MUKAMA* ke *kakyogedde.*

Kati mu Kitabo kya Samwiri, Samwiri Ekisooka, essuula ya 3, njagala kusoma olunyiriri 1, 2 n'olwe 19:

> *Awo omwana Samwiri n'aweerezanga MUKAMA mu maaso ga Eri. N'ekigambo kya MUKAMA kyali kya muwendo mungi mu nnaku ezo; tewaabangawo kwolesebwa kwa lwatu.*
>
> *Awo olwatuuka mu biro* ebyo, *Eri ng'agalamidde mu kifo kye, n'amaaso ge gaali gatanudde okuyimbaala n'atayinza kulaba;*
>
> *. . . n'ettabaaza ya Katonda nga tennazikira ne Samwiri ng'agalamidde okwebaka mu yeekaalu ya MUKAMA, omwali ssanduuko ya Katonda;*
>
> *Awo MUKAMA n'ayita . . . n'ayogera nti, Nze nzuuno.*

Olunyiriri olwe 19:

> *Samwiri n'akula, MUKAMA n'aba naye,* n'Ataganya *bigambo bye kugwa wansi na kimu.*

20 Ha, ebitundu ebyo ebisomeddwa byanditumaze okwogerako wano okumala omwezi nga mulamba, era tusobola okufuna omulamwa oguwerako okuva mu bitundu bino ebisomeddwa eby'ekitiibwa. Wabula ku makya gano, tulinawo eddakiika nga abiri okufulumira mu budde okuva mu . . . Ndowooza nti ekitundu ky'okuyigiriza ekya Ssande kyawedde oba mpozzi kye kinadda ku kino, ssimanyi. Naye, wabula, njagala ebitundu bino mbiwe omutwe ogugamba nti, *Eddoboozi Lya Katonda Mu Nnaku Zino Ez'Oluvannyuma.*

21 Kiseera kikulu nnyo. Tulaba nti we twogerako mu Byawandiikibwa, nga wagamba nti, "Tewaaliwo kwolesebwa kwa lwatu mu biro bya Samwiri." N'olwekyo, "Awatali

kwolesebwa," Bayibuli bw'egamba nti, "abantu bazikirira." Tuteekwa okuba n'okwolesebwa. Ate okwolesebwa kujja eri bannabbi, era kye Kigambo kya Mukama ekiba kyogeddwa gye bali.

22 Era tulaba nti Eri teyali nnabbi, Eri yali kabona. Era yali agenda akaddiwa, era nga amaaso ge gongera okuyimbaala, era nga takyasobola kulaba bulungi bimwetoolodde, era yali musajja muzito nnyo. Era yali atandise okusuulirira emirimu gya Mukama ne gitakolebwa.

23 Era kye kimu nga bwe kiri leero. Ndowooza nti ekkanisa, ebibiina n'amadiini, bikoze okumala ebbanga ddene, era bitandise okulagajjala. Era omulimu gwa Mukama gugenze gulekebwawo ne gutakolebwa, Ekigambo eky'Amazima, kubanga ekkanisa, yo yennyini, amaaso gagenze gagiyimbaala. Era twetaaga, leero, Eddoboozi lya Katonda lyogerere mu makkati gaffe, litukomyewo nate.

24 Era, laba, Eri yali agalamidde wansi, nga ne. . . n'amaaso ge tegakyalaba bulungi. Yali kabona. Era tebaalinanga kwolesebwa kwa lwatu okuva eri Mukama. Era ekyo kyali kyetaago kinene!

25 Era Katonda yasuubiza okusisinkana ekyetaago ky'ekiseera. Ekyo akikola bulijjo. Era twetaaga Eddoboozi lya Katonda leero, okusisinkana ebyetaago by'ekiseera, okutuukana n'ekiseera kye tulimu. Era bw'Amala okukisuubiza, tusobola okunyweerera ku kino nti Ajja kutuukiriza ekisuubizo Kye. Obwo bwe bwesige omukkiriza bw'alina mu Mutonzi we, nti yasuubiza okusisinkana ekyetaago.

26 Era, leero, emu ku nsonga lwaki ekkanisa eri mu mbeera mw'eri, eri lwa kuba nti waliwo amaloboozi mangi nnyo, amaloboozi amalala mangi nnyo agasikiriza ekkanisa okugiggya ku Ddoboozi lya Katonda, okutuusa nti kibuusibwabuusibwa ddala nnyo oba bangi abandiwulidde Eddoboozi lya Katonda ne bwe liba lyogeredde mu makkati gaabwe. Oba oli awo n'okulitegeera bayinza obutalitegeera, kubanga liba ligwiira gye bali. Batadde nnyo essira ku maloboozi ag'ennaku zino!

27 Era bwe twetegereza, mu Kyawandiikibwa kyaffe kye tusomye, nti Eddoboozi lya Katonda lyali ligwiira gye bali.

28 Era kifuuse bwe kityo nate leero, nti Eddoboozi lya Katonda. . . Waliwo amaloboozi amalala mangi. Nate era Katonda bw'aba yasuubiza nti ajja kutuwa Ekyo, awo amaloboozi amalala bwe gakontana n'Eddoboozi lya Katonda, awo gaba gateekwa kuba nga lye ddoboozi ly'omulabe waffe, okututabulatabula, tuleme okutegeera Eddoboozi lya Katonda bwe lyogera.

29 Era tukizuula nti kyali kifaanana n'ekya Eri ne Samwiri, naye Eri yategeererawo nti yali Katonda. Era mu butuufu kwali ku—kuvvoola Eri. Kubanga, Eddoboozi lya Katonda, nga lyogera eri Samwiri, lyamutegeeza ku bikyamu bya Eri, kubanga yali

yaginya batabani be, nga batwala ssente ne—n'ennyama okuva ku biweebwayo. Ekyo tekyali kituufu. Era ebintu baali babikola mu ngeri enkyamu, ekontana n'Ekigambo kya Katonda.

30 Era Samwiri yali. . .ekintu kyokka Samwiri kye yali asobola okukola, kwali kwogera ekyo kyennyini. Era yali yesisiggiriza okukikola, kubanga kyali kinenya ekifo kyennyini mwe yatumibwa okubeera ng'akuzibwa, Eri ne mu yekaalu. Naye Eri n'agamba nti, "Yogera." Olaba? N'amugambira ddala ekyo kyennyini eky'ali kigenda okubaawo, nti Samwiri. . . manyanga, "Ennaku za Eri zaali ziweddeyo, ez'obwakabona," kubanga Katonda yali ayogedde, era Katonda yali atuma Obubaka Bwe okuyita mu Samwiri nnabbi. Yazaalibwa mu ngeri etali ya bulijjo, n'awongebwayo eri Mukama nga akyali muto. Katonda yayogera naye, nga muto, era yali amuteekerateekera omulimu ogwali mu maaso. Era ennaku za Eri zaali zigenda ziggwaako.

31 Waliwo amaloboozi mangi mu nsi olwa leero, okutuusa lwe kibeera ekizibu ennyo ddala, kubanga gasirisa Eddoboozi ery'Obwakatonda. Waliwo amaloboozi mangi ag'obuyivu, amaloboozi ag'ekitalo ag'abasajja ab'amaanyi abayivu, n'okutuusa nti, mu mbeera yaabwe ey'obuyivu, bakankanya n'amawanga. Ssi bantu abaakatandika, naye banyeenya amawanga, nga bagatta wamu ebibiina ebinene, enkuŋŋaana ennene, ezisikiriza. Era omuntu ayinza okutabulwatabulwa. Bimala okubatabula, engeri ebintu nga bino gye bigenda mu maaso ne biraba omukisa. Era waliwo amaloboozi a—agagolokoka ne gakola ebintu bino, ne kireetera Eddoboozi lya Katonda okusuulibwa eri, Eddoboozi lya Katonda ery'amazima.

32 "Era Eddoboozi lya Katonda," bagamba, "tunaategeera tutya nti lye Ddoboozi lya Katonda?" Kubanga, olwa leero. . . Luli yali nga nnabbi akakasiddwa. Kati, leero, engeri gye tumanya nti lye Ddoboozi lya Katonda, lwa kuba kwe kulabisibwa kw'Ekigambo kya nnabbi. *Ono* ye nnabbi wa Katonda. Era Eddoboozi lya Katonda ery'amazima likomyawo Katonda oyo yennyini, omulamu, ow'Amaanyi agasukkulumye yekka, n'Ekigambo Kye eky'Amaanyi agasukkulumye, wamu n'okulabisibwa okw'Ekigambo eky'Amazima eky'Amaanyi agasukkulumye. Olwo ne tutegeera nti lye Ddoboozi lya Katonda. Kubanga, era Amaanyi ago-. . . Waliwo amalala mangi mu mitendera emirala, nga kyenkana gabulako katono okusirisa Eryo. Naye, jjukira, lijja kutangalijja, lijja kuvaayo! Lijja kukikola.

33 Kati, waliwo eddoboozi leero mu nsi ey'eby'obufuzi. Eryo ddoboozi lya maanyi. Era abantu, mazima ddala, mu biro bino ebikulu eby'eby'obufuzi, bajja. . .Byonna by'etabudde mu makanisa gaabwe na buli kintu. Era emirundi mingi, ekyo twakamala okukiraba gye buvuddeko katono, nti eddoboozi ery'eby'obufuzi mu butuufu lya maanyi nnyo okusinga

Eddoboozi lya Katonda mu makanisa, bwe kitaba kityo Abamerika tebaalikoze kye baakamala okukola. Okiraba? Tebaalikikoze. Ssinga Eddoboozi lya Katonda lyakuumibwa nga ddamu mu kkanisa, tebaalikoze nsobi ezo. Naye eddoboozi ery'eby'obufuzi lya maanyi nnyo mu nsi leero okusinga Eddoboozi lya Katonda, okutuusa nti abantu batunze obusika bwabwe obw'Obukulistayo okufuna omugoyo gw'ettutumu, obuyigirize, n'amaanyi g'eby'obufuzi. Kikwasa nnyo ensonyi okukiraba. Ekintu kyennyini eggwanga lyaffe mwe lyakolerwa, kwe lyakolerwa, abantu baakyukira ddala okuddayo ne—ne balonda ekintu ekyatujja mu nsi eri. Ne—ne Plymouth Rock, ne *Mayflower* n'ebirala, bwe bajja wano ne—ne batandikawo eggwanga lino ery'amaanyi lye tulina. Ekintu kyennyini kye twalwana ennyo okukivaamu, twezzizzaayo nate butereevu mu maala gaakyo, kubanga Bayibuli eyogera nti kyali kya kuba bwe kityo.

34 Era enkola ya Eri: kwe kuba ne kabona mu kifo kya nnabbi. Nnabbi kye Kigambo. Ate kabona ye yali ekkanisa.

35 Era embeera etuuse mu kiseera nga etandise okusajjukira ddala nga Ekigambo kigwiira eri abantu. Tebakitegeera. Kati osobola okukyogera, naye ne batakitegeera, kubanga tekyabayigirizibwa. Pawulo yagamba nti, "Ekkondeere bwe livuga n'eddoboozi eritategeerekeka, ani anaamanya okweteekerateekera okulwana?"

36 Abantu bayigiriziddwa e—e—eddoboozi ly'ekkanisa, ekkondeere ly'ekkanisa nti, "Tulina bangi mu kusaba kwaffe okwa Ssande okusinga bali bonna be balina." Ekyo tekirina makulu. "Tulina bangi mu kibiina kyaffe eky'eddiini okusinga bali bonna be balina. Ffe tusinga obunene mu madiini." Olaba, ekyo kye kika ky'eddoboozi abantu lye bayigiriziddwa. Ku nguudo, bagenda ebweru okufuna abantu ne babayingiza. Enkumi n'enkumi emirundi nkumi na nkumi mu nkuŋŋaana ennene, ne babayingiza. Kiki kye baluubirira? "Ffe tulina ekkanisa esinga obunene. Ffe tulina abagoberezi abasinga obungi. Ffe tulina ba mmemba abasinga obungi mu kusaba okwa Ssande. Meeya w'ekibuga asabira mu kkanisa yaffe." Ebyo byonna byandibadde birungi, naye ekkanisa eyo y'emu bw'eba teyayigirizibwa kutegeera Ddoboozi lya Katonda, Ekkondeere ly'Enjiri, kikola kalungi ki?

37 Era bwe wabaawo ekigolokoka nga bwe waaliwo ekyagolokoka mu gavumenti yaffe, kiki ekyabaawo? Ekkanisa yali temanyi Ddoboozi lya Kkondeere, era baali tebamanyi kya kukola. Ekisuubizo eky'amaanyi eky'okukulaakulana, nnaggwano w'obuyivu ng'ajja, ne babuusiza ddala amaaso ekintu kyennyini Bayibuli kye yalagulako, ne bakiyingiza. Olaba, eddoboozi ly'eby'obufuzi! Era ne likakasa nti lirinnyirira Eddoboozi ly'eddiini, bwe kitaba bwe kityo tebaalikoze kye baakola, Eddoboozi ly'Enjiri. Kubanga tusuubizibwa ebintu

bingi, tusuubizibwa okukulaakulana, era tewali kubuusabuusa tujja kukufuna.

38 Naye, era, ekyo tekiyinula mukkiriza n'akatono. Bikkula mu Kitabo kya Abaebulaniya, mu ssuula eye 11, owulire Omutukuvu oyo Pawulo ng'ayogera, engeri bo, mu nnaku ziri, "Gye baatambulanga nga bambadde amaliba g'endiga n'ag'embuzi, nga tebalina kantu, nga tebalina we babeera, nga tebasobola kuyingira kibuga."

39 Nnali nsoma ku by'Akakiiko ka Nikeya, ensonga ez'amaanyi bwe zaasituka mu Nikeya, Rooma, emyaka ebikumi bisatu oluvanyuma lw'okufa kwa Kristo, mu Lukiiko olukulu olw'e Nikeya, ekkanisa enkulu lwe yayimirira ku lw'ekyo ekyali ekituufu, baali baagala Bayibuli. Kyokka abakkiriza Abaruumi ab'Ekkanisa ye Rooma eyasooka baali bayingizza enjigiriza ezaagunjibwa, kweggamba, tugeze, nga bwe tulina Ssekukkulu.

40 Ssekukkulu, Kristo teyazaalibwa ku lunaku olw'abiri mu ttaano olwa—olwa Ddesemba nga nange bwe ssaazaalibwa ku olwo. Lwaki, obusozi bw'omu Buyudaaya bwali bujjudde omuzira, era Ya. . . Kyawukanira ddala ku bunnabbi obulala bwonna obwa Bayibuli. Yazaalibwa mu ttoggo, nga endiga zonna mwe zizaalibwa. Lwaki yazaalibwa mu kiyumba ky'ebisolo mu kifo ky'okuzaalibwa mu nnyumba? Yali Mwana gwa ndiga. Lwaki teyaddusibwa buddusibwa nga bamutwala ku wolutaali manyanga ku wolutaali Ye kwe yakomererwa, ku musaalaba? Yakulemberwa nga bamutwala ku musaalaba. Endiga ggwe agitwala okuttibwa. Yali Mwana gwa ndiga. N'olwekyo yazaalibwa mu kiseera endiga mwe zizaalibwa.

41 Naye, olaba, okukola ekyo, baalina amazaalibwa ga katonda-njuba, nga, mu nsengeka y'ebyaka mu bwengula, e—enjuba mu nnaku ettaano okuva nga Ddesemba abiri okutuusa nga Ddesemba abiri mu ttaano, kyenkana tewaliiwo kutambula n'akatono, okw'enjuba. Zikyukako katono buli lunaku, zigenda zeeyongerako obuwanvu okutuusa lwe zituuka mu lunaku olusingayo obuwanvu mu Jjulaayi. Era awo, mu Ddesemba, lwe lunaku olusingayo obumpi. Era kati ekiseera ekyo ekitono nga abiri mu ttaano, okuva ku lw'abiri okutuusa ku lw'abiri mu ettaano, baalinanga ebifo by'emizannyo gya ssaakaasi w'Ekirooma gye baakuŋŋaaniranga okwesanyusaamu n'ebikujjuko by'amazaalibwa ga katonda-njuba. Kati awo Jupiter, nga ye yali katonda w'Abaruumi, ne bakiyingizaamu, mu kugamba nti, "Tujja kuddira amazaalibwa g'Omwana wa Katonda n'ag'akatonda njuba, tugagatte wamu kifuuke ekikujjuko kimu eky'amaanyi." Ekyo kikontana! Era, ha, nga ebintu bingi bye baayingirizaamu awo!

42 Era abasajja ba Katonda abo ab'amazima abaayagala okusigala n'Ekigambo, nga Polycarp, Iranaeus, Martin, abasajja bali abatukuvu, ab'amaanyi abaasooka, abaayagala

okusigala n'Amazima . . . Era bwe baatuuza Olukiiko lwe Nikeya, abamu ku bantu abo baali baaboolebwa nnyo okutuusa ba nnabbi lwe bajja okuva mu ddungu nga tebalina kye bambadde wabula akatundu k'eddiba ly'endiga, okutuula mu lukiiko olwo. Naye baali bamanyi Ekigambo kya Mukama. Naye olw'ettutumu, okumala ennaku ezo ekkumi n'ettaano ez'eby'obufuzi eby'okuyiwa omusaayi, ne kirinnyirirwa. Awo ne tulyoka tuzzaako emyaka olukumi egy'omulembe gw'ekizikiza, olaba.

43 Naye Katonda yasuubiza nti Ekkondeere eryo liriddamu ne livuga. Bulijjo abantu bawuliriza Eddoboozi ery'amazima ery'Ekigambo, bulijjo keberanga by'okola n'Ekigambo.

44 Eddoboozi ly'eby'obufuzi. Ate ffe mu Amerika n'ensi yonna, tulina eddoboozi eryogerera waggulu leero, era eryo lye ddoboozi lya Hollywood. Liwambye ensi. Leka wabeewo abaako ne kyayiiya mu Hollywood, ojja kukisanga wonna okwetoloola eggwanga. Kati, tukizuula nti bateereddewo abakazi baffe eky'okulabirako, ku nnyambala yaabwe, emisono gyabwe egy'enviiri. Bateekawo ennyambala.

45 Ekkanisa esaanidde okumanya Eddoboozi ly'Ekkondeere lya Katonda kw'ekyo! Naye waliwo okutabulwatabulwa kungi kubanga olaba abalala nga bakola batyo, eby'okulabirako. Tewefaananyirizanga kyakulabirako nga ekyo, kubanga kiggwaawo. Bulijjo wulirizanga Eddoboozi lya Katonda, kiki ky'Akyogerako.

46 Era tukizuula nti, mu Hollywood, be bagunjaawo ebintu. Era ka njogereko katono ku kino nga tetunneeyongerayo. Waaliwo e—ekintu ekyamanyika ebbanga ssi ddene emabega, nti o—omusajja mu Hollywood . . . Kati omusajja oyo ssimulinaako nsonga, muntu buntu Kristo gwe yafiirira, wabula waliwo kye njagala okubalaga. Waliwo akantu ke baayiiya akayitibwa, abaana ke bakozesa, kayitibwa "hula-huupu," hula-huupu, oba bwe kityo. Era bw'oba wali weegenderezza obwonoonefu n'ebintu ebigoberera ekintu ekyo, kiki, mu baana abato. Tekisaanidde kuba bwe kityo.

47 Kati, Hollywood ejjude ba—bakubi ba mmundu. Kati, omuntu yenna amanyi ebyafaayo, akimanyi nti abantu abo mu biro eby'edda, abaali nga abakubi b'emmundu nga—nga abamu ku bo, tebaali bannansi balungi, baali ba kyewaggula, baali nga Al Capone ne Dillinger. Balina omuzannyo gwa Hollywood gwe bayita, ku—ku televizoni, gwe bayita, "Gunsmoke." Nnawulira ku *Monitor*, luli, nti omusajja aguzannya, Arness oba bwe lityo, oba Arness, oba nneerabidde erinnya lye, era ateekwa okutwala . . . Azannya nga Matt Dillon eyali omupoliisi mu Kansas. Ate Matt Dillon yali mutiitizi nga akamyu. Yakuba abasajja abiri mu munaana amasasi mu mugongo, abataalina musango, nga afuluma Ekibuga Dodge n'abateegera mu nsiko.

Era nga omusajja bw'ajja, omuntu nga bw'amukubira essimu n'amugamba nti waliwo omuntu omubi eyalabiddwako mu kitundu, olwo nga abeera ebweru, omusajja bwe yabanga azze, nga amukuba essasi mu mugongo. Kati tulaba nti ye "munene" ajja. Lwaki, ki—kigulumiza kibi mu buli ngeri. Naye abaana b'eggwanga lyaffe abato basobola okukubuulira bingi ebikwata ku Matt Dillon okusinga bye bayinza okukubuulira ku Yesu Kristo. A—a—amaduuka, obuduuka obutonotono, n'amatundiro g'engoye, gajjuddemu obu—obubundu obw'okuzannyisa, awamu n'obukofiira bwo—bw'oyinza n'okugula awalala wonna. Ssi kibi okubwambala, naye mba—mbagamba bugambi, mukirabe. Kati aba—aba, abasuubuzi, bakikozesa ne bakikolamu obukadde bwa ddoola.

48 Tulina lwe tuyita "Olunaku lw'Omut. Patrick," tulina zino ze tuyita "ennaku enkulu ez'eddiini." Era abasuubuzi bazeddizza, era bazikolamu obukadde bwa ddoola. "Olunaku lwa ba Maama," ebisaaganda by'ebimuli. Lwaki, buli lunaku lusaanidde okujjukirirako maama. Alina awantu awamu waali, akaddiye, gendayo omulabeko. Ekyo kijja kuba kya muwendo nnyo okusinga ebimuli byonna by'osobola okumuweereza, oba ekintu ekirala kyonna. Okiraba, naye baalweddiza. Liba ddoboozi, ate—ate tukkiriziganya nalyo. Mazima ssi kituufu. Naye kiki ky'ogenda okukola? Okiraba, tuli—tuli bubeezi . . .

49 Ngezaako okutuuka ku nsonga wano okubaako kye mbagamba, kiki kye—kye nzikiriza. Eddoboozi lya bbula, Eddoboozi lya Katonda.

50 Kati, tukizuula nti bateekawo omutindo ogugobererwa. Era wali weetegerezza? Batabani baffe abato bafuuse ba "Ricky" na ba "Elvis." Bw'oba olina omwana alina erinnya eryo, likyuuse mu bwangu, waakiri muyite nnamba "emu" oba "bbiri," oba ekirala. Togeza, ekyo kibi nnyo. . . Ogamba nti, "Erinnya lirina makulu ki?" Lwaki, ddala, lirina kye litegeeza. Erinnya lyo likiikirira obulamu bwo. "Kati, Ow'oluganda Branham, oli mu bya kulaguza nnamba." Nedda, ssi kye nkola! Ndi ku BW'ATI BW'AYOGERA MUKAMA! Lwaki kyali nti Yakobo, yeeyisa nga erinnya lye, nga—nga omulimba, omukumpanya, Yakobo. Era Katonda bwe yamukyuusa, yakyuusa erinnya lye. Katonda yakyuusa Sawulo n'afuuka Pawulo, Simooni n'afuuka Peetero. Mazima ddala, lirina kye litegeeza. Era Ricky ne Elvis, n'amannya nga ago, ge mannya ag'Abamerika ag'omulembe agabbika omwana buteerevu mu ekyo. Olaba kye ntegeeza?

51 Kati, ka nsuubire nti ssi. . . Kisingako wano ne nzira emabega nneme kuva ku mulamwa, (mulaba kye ntegeeza?) ssi kulwa nga temukitegeera. Naye ebintu bino byonna n'abantu ba bulijjo tebabitegeera. Tebabimanya, kubanga balina omukutu gumu. Gwe gwokka gwe bawuliriza, amaloboozi ago.

52 Waliwo eddoboozi ery'abafirosoofo, ery'Obwannaakalyak'ani, nga basuubiza ebintu bye batasobola kutuukiriza. Ate nga ekitundu ekisinga obunene eky'Abamerika kiri mu Bwannaakalyak'ani. Kati, nnali mbaddeko mu Bwannaakalyak'ani, mu bitundu ebirimu Obwannaakalyak'ani, manya, mu Bugirimaani, ku luuyi olw'ebuvanjuba olwa Berlin. Baalina amayumba amanene agalabika obulungi ebweru. Weetaaga oyingireko munda mu go, tegamalirizibwanga. Nkola ya byabufuzi ey'ekikwangala, bagezaako okulaga ekifaananyi kye batali.

53 Ate, mu Russia, Obwannaakalyak'ani gye busibuka . . . Emyaka, mingi egiyise, nga nkyali mubuulizi omuto, nnyinza okugamba emyaka nga asatu mu esatu egiyise, nga obusosoze bwa ba Nazi, Obwannaakyemalira, n'Obwannaakalyak'ani nga byakatandika, nnagamba nti, "Njogera mu Linnya lya Mukama! Byonna bijja kukomekkereza mu Bwannaakalyak'ani." Naye, wali olowoozezaako nti, Katonda yatuteerawo engeri y'obuddukiro, ssinga tugikkiriza. Waliwo ekitundu kimu kyokka ku buli kikumi ekya Russia ekirimu Obwannaakalyak'ani, kimu ku kikumi, naye be bafuga. Kimu ku kikumi eky'Obwannaakalyak'ani . . . kimu ku kikumi ekya Russia kirimu Obwannaakalyak'ani, manya, naye be bafuga.

54 Era ekintu kye kimu, Hollywood kiri kifo kimu, naye be bafuga.

55 Kyenkana kimu kya kusatu oba bibiri bya kusatu eby'abantu b'omu Amerika be bagenda mu kkanisa, era nga ba mmemba mu kkaanisa, naye be bafuga mu bibiina ebyo eby'eddiini.

56 Obwannaakalyak'ani kye bwetaaga eyo lye Ddoboozi lya Katonda okugolokoka mu bo, era liba lijja kukyanika.

57 Mu Finland, omulenzi oli omuto bwe yazuukizibwa okuva mu bafu kw'olwo, era baali bandeeta mu bbanga nga lya bisaawe bisatu, okuva omulenzi ono we yazuukizibwa, mu bafu; amagye ga gavumenti y'Obwannaakalyak'ani, enzaalwa y'omu Russia, nga gayimiridde awo gakuba saluti y'eki Russia, nga n'amaziga gabakulukuta ku matama. Ne bagamba nti, "Tujja kukkiriza Katonda asobola okuzuukiza abafu." Bulagajjavu bwa Eklezia katolika n'ekkanisa y'Abaluzalaani, wamu n'amaddiini ago gonna, era batwala ensimbi zonna, ne batandikawo ebibiina, nga tebalina kye bawa bantu. Babeerawo nga abantu abalala bonna. Waliwo eki . . .

58 Russia kye yetaaga ye nnabbi okugolokoka n'Ekigambo kya Mukama, eki—ekiyinza okubuniza omumwa. Olwo ekitundu kiri eky'ekyenda ku kikumi balyoke bafuge.

59 Amerika kye yetaaga leero lye Ddoboozi lya nnabbi wa Katonda, asobola okuyimirira n'avumirira Hollywood, n'avumirira ebintu bino mu Linnya lya Yesu Kristo, awo Ekkanisa ey'Omwoyo Omutukuvu eryoke efuge.

Okutabulwatabulwa kungi, okiraba, amaloboozi mangi nnyo agakontana nalyo.

60 Ekkanisa, eddoboozi lyayo, buli emu eyagala kwongerako ku bungi bwa ba mmemba. Ababaputisti babaagala bonna, Abamesodisti babaagala bonna, Abapulesibeteriyani. Ffenna bino tubirina. Naye Abakatoliki balabika nga bagenda kubitwala byonna, era bajja kukikola. Eryo ddala lye Ddoboozi lya Katonda okuva mu Bayibuli. Bajja kufuga.

61 Naye Katonda ali Waggulu Ennyo y'ajja okufuga ku nkomerero ya byonna. Abatukuvu baliwamba, lumu, Bayibuli bw'egamba. Baliwamba.

62 Amaloboozi amangi bwe gatyo ag'entiisa! Ate waliwo n'eddoboozi lya nnabbi ow'obulimba. Eryo ddoboozi libi nnyo, omuntu eyeeyita nnabbi. Nnabbi, weewaawo, ye mubuulizi. Ekigambo "nnabbi" ekikozesebwa leero ddala kitegeeza "omuntu abuulira nga aliko okuluŋŋamizibwa." Waliwo omuntu ayimirira ne yeeyita nnabbi, naye ne yegaana Ekigambo kya Katonda, n'agaana Amazima ga Katonda. Waliwo amaloboozi mangi!

63 Eddakiika ntonoko eziyise, waliwo ow'oluganda wabweru abadde andagirira aw'okuyita okuyingira munda wano, naye ne...oba oli awo yeewuunyizza lwaki nneeyongeddeyo mu kkubo oluvannyuma ne nkyuka ne nkomawo. Bw'oba nga wooli, ow'oluganda, nnabaddeko ne kye mpuliriza, baabadde mi—mikwano gyaffe abaddugavu, abanigulo. Balina wano yeekalu, era bagiyita, "Muwamadi Eriya," oba bwe kityo, "Muwamadi Eriya omuto." Nga bagolokoka n'eddoboozi, nga bagamba nti bbo lye ddoboozi erigenda okuggya a—abaddugavu mu kavuyo kano. Ekyo, olaba, ekintu kyennyini, aba—aba—Abasiraamu baabwe bali wano, Omuzikiti gwabwe. Lwaki, tolaba, nti omusingi gw'akyo gwennyini, mukyamu!

64 Abantu abaddugavu, nga n'abantu abeeru, abantu aba katakketakke, n'abantu abakyenvu, ssi kuddayo eri Mu-... kuddayo mu kugoberera Muwamadi, naye kukomawo eri Kristo, ennono zennyini Bayibuli z'eyigiriza. Obusiraamu buwakanya Ekigambo. Kati, nnafuna omukisa okukulembera abagoberezi ba Muwamadi omutwalo gumu okubaleeta eri Kristo lumu mu Durban, South Africa. Tekirina kirala kyonna kye kivaamu okuggyako okusoma endowooza n'enneeyisa y'abantu. Ate nga okusoma endowooza n'enneeyisa y'abantu tekirina mutawaana kasita kiba nga tekigaana Kigambo. Naye okutegeera endowooza n'enneeyisa y'abantu bwe kuwakanya Ekigambo, awo kuba kukyamu. Kubanga kuleeta eddoboozi eritategeerekeka. Kyekyo nti, buli kimu kyonna kiriggwawo okujjako Ekigambo kya Katonda, Yesu bwe yagamba, "Eggulu n'ensi biriggwawo, naye Ekigambo Kyange tekiriggwawo." Kale, mulaba nti tulina okusigala n'Ekigambo, Eddoboozi.

65 Bangi abatabula ebintu! Abantu bagolokoka, tebamanyi Kigambo, ne boogera ebintu, era oba oli awo ne biwulikika ng'ebirimu amakulu. Obwannaakalyak'ani ddala kintu ekirabika nga ekirimu amakulu nti, "Ffenna twenkana. Tewakyaliwo ba ssitakange, bonna Bannaakalyak'ani." Wali obaddeko awo n'olowooza ku kudda obuggya okw'obulimba, Obwannaakalyak'ani kye buli? Era byonna yabikoppa ku ki? E . . . Yesu yagamba nti, "Emyoyo egyo ebiri gyali gya kuba nga gisembereganye nnyo, n'okutuusa nti gyandirimbye n'Abalonde ssinga kyali kisoboka." Era buli kintu ssitaani ky'alina, kukyamizibwa kw'ekyo Katonda kye yatonda. Ekibi bwe—bwe butuukirivu obukyamiziddwa. Obulimba ge Mazima agoogeddwa mu bukyamu. Obwenzi kye—kye, kiba kikolwa ekirungi Katonda kye yatuteerawo okukola, naye nga kikoleddwa mu kwonoona. Obutakkiriza bwonna kwe kukyamizibwa kw'okukkiriza. Olina kumala kugaana Mazima n'olyoka okkiriza o—obukyamu. Okiraba, golola amaloboozi gano, gagezese n'Ekigambo olabe oba nga ge Mazima.

66 O, nga tuyinza okweyongera mu maaso, ku maloboozi gano aga leero, naye obudde bwaffe bugenze. Naye, amaloboozi mangi nnyo okutuusa nti abantu tebamanyi na kya kukola. Abamesodisti bajja kumala bawulire omubuulizi Omubaputisti, bajja kugendayo, babeereyo akaseera oluvannyuma bagende ew'Omuluzalaani. Ate mu Bapentekoote, balina ebibinja ebyenjawulo, omu ajja kuddukira mu kimu, n'omulala mu kirala, nga bwe badda eno n'eri. Kiraga nti toli munywevu. Wulira Eddoboozi Lye! Liirino wano, liwandiikiddwa ku lupapula, Eddoboozi, Eddoboozi lijja kukakasibwa oba nga Mazima.

67 Bannakkanisa tebamanyi kya kukola, bannabyabufuzi bali mu kavuyo. Buli kimu kirabika nga ekiri mu kavuyo. Abantu badduka bava eno, ne wabaawo ekirala ekigolokoka, ekkooti, ekizibawo. Bwe nnali mu Roma, baalina emisumaali egy'enjawulo kkumi na mwenda egyakakasibwa nti gye gyakubwa mu bibatu bya Yesu; ate nga girina kuba essatu gyokka, naye bo nga balina bwino nti misumaali kkumi na mwenda. Kati, kikola makulu ki ku ani alina omusumaali ogwo? Kristo tatulekeranga misumaali kugisinza, yatulekera Mwoyo Mutukuvu, olw'Ekigambo Kye! "Obubonero buno bunaagendanga n'abo abakkiriza, banaabeeranga n'omusumaali guli gwennyini"? "Banaabeeranga . . . Obubonero buno bunaagendanga n'abo abakkiriza, banaabeeranga mu kibiina ky'eddiini kye nnatandika"? Talina kye yatandika. Mulaba eddoboozi bwe likontana?

68 Naye. "Obubonero *buno* bunaagendanga n'abo abakkiriza: Mu Linnya Lyange banaagobanga emizimu." Ekyo kye Kigambo. "Banaayogeranga ennimi empya; banaakwatanga ku misota, era tegiibakolenga kabi. Bwe banaanywanga ekintu ekitta, tekiibakole kabi. Bwe banassanga emikono

ku balwadde, banaawonanga." Era weetegereze ebintu bino n'Ebyawandiikibwa ebirala byonna wamu.

69 Kati, ekyo kyokka tekijja kukikakasa, yadde n'akatono. Awo Abapentekoote we bakyamira. Yesu teyagamba nti, "Bangi balijja Gyendi ku lunaku luli, nga bagamba nti, 'Mukama, ssaakola ebintu eby'ekitalo mu Linnya Lyo? Ssaalagula mu Linnya Lyo? Bino byonna ssaabikola mu Linnya Lyo?'" Yesu n'agamba nti, "Muve wendi, mmwe abakola obujeemu, ssibamanyangako." Mukiraba, bannyinaze ne baganda bange, lwaki nnenya nnyo era ne nnumiriza omulembe guno omusango? Oyinza okwogera mu nnimi ng'abantu ne Bamalayika, oyinza okuzinira mu Mwoyo okwetoloola ekkanisa yonna, ekyo tekikirinaako kakwate.

70 Nnali ndabyeko Abasiraamu nga bazina beetooloola bwe batyo. Nnali mpulidde ku musawo . . . mu nsiisira y'omulogo, nnali ndabyeko abalogo nga bayimuka ne boogera mu nnimi ne bazivvuunula, ne boogerera ddala ekyo ekigenda okubaawo, era ne kituukirira ddala. Nnali ndabyeko ekkalaamu nga esituka n'ewandiika mu nnimi ezitategeerekeka, nga waliwo omu yekka asobola okubisoma, nga ate wa ssitaani. Tosobola kwesigamya nkomerero yo ey'Obutaggwawo ku nneewulira ey'engeri emu. Ssitaani asobola okugeegeenya buli emu ku nneewulira ezo. Nedda . . . Kiri mu kumanya Kristo, wabaawo ekikyuka mu bulamu bwo. Weetegereze obulamu bwo era obugeraageranye n'Ekigambo, olabe wa wooli. Nga weekebera, mazima ddala.

71 Wadde nga waliwo okugeegeenya kuno kwonna, amaloboozi ag'obulimba, ba nnabbi ab'obulimba, n'ebintu ebirala bino byonna ebigolokoka, Yesu era yagamba nti, wadde nga bino byonna weebiri, "Omuntu yenna bw'anawulira Eddoboozi Lyange n'angoberera." Ye Kigambo. Wuliriza, ekiragiro Kye gye tuli leero, mu maloboozi gano gonna. Nga, nnagambye kyanditutwalidde essaawa nnyingi okulaga amaloboozi gano gonna. Ate kitabulatabula eri abantu, kya nnaku. Era, oluvannyuma lwa byonna, togenda kufuna kakisa ka kubiri, olina kukitwala kati. Oyinza obutafuna kakisa ekiro kya leero. Oyinza obutafuna kakisa enkya. Kiri kati! "Bw'owulira Eddoboozi Lyange, tokakanyaza mutima gwo, nga bwe kyali mu biro eby'okusosonkereza. Kaakano kye kiseera. Kino kye kiseera ekikkirizibwa omuntu yenna bw'anaawulira Eddoboozi Lyange." Ekyo kiraga nti Eddoboozi Lye lijja kusigalawo mu makkati g'emivuyo gyonna. Akyalina Eddoboozi! Lwaki? Eddoboozi Lye bulijjo lijja kusigalawo. Kiikino wano nti, "Eggulu n'ensi biriggwawo, naye Eddoboozi Lyange teririggwawo," Ekigambo Kye.

72 Leka tukozeseeyo, tugambe, eddakiika endala nga ttaano, mu bwangu. Musobola, munaalindako, oba eddakiika entono? Kati, ŋŋenda kwanguwa. Leka tulabe ku bamu abaawulira Eddoboozi lino ne baligondera. Engeri gye

lyabaleetera okweyisamu, kye lyabaleetera okukola. Kati, ŋŋenda kubuuka e—Ebyawandiikibwa bingi wano, nsobole okukibalaga butereevu: engeri gye kyakyusaamu obulamu bwabwe n'abo bonna abaali babeetoolodde; engeri gye baafuuka ekyeeneena, tukiyita "kyeeneena." Buli muntu eyali akkirizza Katonda, yatwalibwanga okubeera ekyeeneena. Kubanga, bw'oba nga ogoberera mulembe gwa nsi, obeerako ekikyamu. Okubeera Omukulistayo olina okuba ekyeeneena. "Kubanga bonna abatambulira mu kutya Katonda mu Kristo Yesu banaayigganyizibwanga ensi. Yali mu nsi, ensi yakolebwa Ye, naye ensi teyamutegeera." Mangu ddala kati, wuliriza bulungi nga bwe tuwunzika.

73 Adamu yawulira Eddoboozi Lye, mu budde obuweweevu obw'akawungeezi, n'assa kimu naye. Tewaaliwo kusalirwa musango eri Adamu. Yawulira Eddoboozi lya Katonda, n'agamba nti, "Kitange, kaakano ngalamira okwebaka." N'agalamira, ne Kaawa ku mukono gwe, empologoma, engo, n'ensolo ez'oku ttale ne zeebaka awo okumwetoloola, tewaaliwo bulabe bwonna, tewaaliwo ngeri yonna ya kulwala, tewaaliwo kweraliikirira oba anaagolokoka enkya, baali balina okugolokoka. Adamu yawulira Eddoboozi Lye mu ngeri gye yali ateekwa okuliwuliramu.

74 Naye lumu yawulira eddoboozi lya mukyala we. Kisingako ekyo ne nsooka nkireka. Naye yawuliriza eddoboozi ekkyamu, nga ate ye yali mukyala we, enkolagana ey'okulusegere ennyo gye yalina ku nsi. Lwaki teyayogera, nga Yobu nti, "Oyogera nga omukazi omusirusiru"? Ssinga ekyo kyali kikoleddwa, olulyo lw'abantu lwonna lwandibadde lulamu mu kifo ky'okufa. Kyakosa embeera y'obulamu bw'abantu bonna n'ebiseera. Naye yawulira Eddoboozi lya Katonda, n'assa kimu nalyo, naye bwe yakyuka . . . Yamanya atya nti mukyala we yali mukyamu? Jjukira nti, gw'ali gusanyusa.

75 Tulowooza leero nti ekibiina kyaffe, ekkanisa, tulowooza nti okukulaakulana kwaffe leero kwe kuba nti Katonda atusanyukira. Kirabika bulungi. Kyalabika nga ekirungi Mikaaya bwe yayimirira mu maaso ga ba nnabbi ebikumi ebina, era ensi yonna yali yaabwe, nga Abafirisuuti be bagibeeramu, manyanga, Abasuuli, kyalabika nga kirungi. Ba nnabbi bano baali bagamba nti, "Mugendeeyo, ekitundu ekyo kyaffe. Mukiwambe!" Naye ssi lye lyali Eddoboozi lya Katonda. Era Mikaaya yakyuka n'akolimira eddoboozi eryo. Kati yategeera atya alyoke akole bw'atyo? Kubanga okwolesebwa kwe kwali kukwataganira ddala n'Ekigambo. Eyo ye ngeri yokka ey'okwesiga okwolesebwa okwo n'okukulaba leero, kuteekwa kuba ku Kigambo.

76 Kati wali weetegerezza? Oluvannyuma nga Adamu amaze okuwuliriza eddoboozi eddala eritali Ddoboozi lya Katonda, mukyala we yennyini . . . Era ekkanisa ewuliriza eddoboozi

ery'ekibiina kyaayo, nga bayingizaamu ebiyiiye mu kifo ky'Ekigambo, nga ebaleka okweyisa nga bwe baagala. Kasita babeera nga bagenda mu kkanisa era nga ba memba ba kkanisa emu, ekyo kye kikulu. Enkolagana esinga okuba ey'okulusegere ennyo omukkiriza gy'alina ku nsi, okusinziira ku bo, ye kkanisa. Naye omukkiriza, omukkiriza yennyini, enkolagana esinga okuba ey'okulusegere ye Mwoyo Omutukuvu, kye Kigambo kya Katonda.

77 Kati okizuula nti Adamu yategeera embeera ye, era n'awulira Eddoboozi lya Katonda nga limuyita nate, era awo yali yeesabise mu bikoola bya miti. Naye lyali Ddoboozi lya kusalirwa musango nti, "Lwaki okoze kino?"

78 Nneewuunya oba Amerika leero, oba ensi mu luyoogaano lwayo olw'eddiini, nga bw'eri, nga Amerika emira, nga nayo emiribwa, mangu ddala wajja kubaawo eddiini entongole ey'eggwanga. [Ebbanga ku lutambi—Omuk.]

79 Ani atudde mu maaso gange? Mmanyi nga ntambi za maloboozi era zijja kubuna ensi yonna. Tulina enteekateeka ey'entambi, nti buli Bubaka butwaliramu ensi yonna, amawanga gonna amalala.

80 Naye, bw'otunula n'olaba, oyimiridde buyimirizi mu bikoola bya miti. Eddoboozi lya Katonda ery'amazima bwe lifuluma, tebamanyi kya kulikolera. Kitabula, tebamanyi kya kukola.

81 Mangu ddala, Nuuwa yawulira Eddoboozi lya Katonda. Lyali liteekateeka kulokola bulamu bwe, n'agoberera ebiragiro era n'ayimirira.

82 Omuntu bw'awulira Eddoboozi. . . Kati wuliriza, kino kifune bulungi nnyo ddala. Tokisubwa. Omuntu bw'awulira Eddoboozi ly'Ekintu, era bwe likakasibwa okubeera nga lye Ddoboozi lya Katonda, era mu kiseera ekituufu, era nga liva mu muntu, eggulu n'ensi biriggwaawo naye Ekigambo ekyo tekisobola kuggwaawo.

83 Nuuwa yawulira Eddoboozi, n'anenya ensi. Ne bamuyisaamu amaaso olw'okubanga o—Obubaka bwe bwali tebukwatagana na bye baali batuuseeko mu ssayansi, naye enkuba yatonnya n'ezikiriza ensi yonna. Okiraba? Eddoboozi lye eryafuluma, ensigo yali omwo. Buli mulembe bwe kibaddenga.

84 Samwiri, mu ntiisa bwe yawulira Eddoboozi lya Katonda, nti yali. . . okugenda mu maaso anenye Eri, omusajja eyali yamukuza. Omusajja eyamubeerera taata n'amukuza n'amuliisa.

85 Baganda bange abaweereza, nkikole? Abaweereza, emirundi mingi, nga basinziira ku bibiina byabwe eby'eddiini n'ebiyiiye, n'ebiwandiiko byabwe mu nsawo zaabwe, ebya kitaabwe yennyini, ekibiina kyennyini ekyabayigiriza ne kibaliisa ne kibakuza ne kibawa ebifo mu kkanisa, ne kibateeka mu

kibiina ky'abantu, oteekwa okwewayo mu bujjuvu eri bye bayigiriza. Okiraba? Nga kiba kikakali nnyo eri omuweereza wa Katonda ow'amazima okuwulira Eddoboozi lya Katonda ate n'aba nga alina okukomawo eri ekibiina kye kimu ekyo mwe yava, n'agamba nti, "Musaliddwa omusango kubanga mugaanye Ekigambo kino." Nga kizibu!

Kyali kizibu eri Samwiri. Naye yali nnabbi, yalina okukikola. Ssi nsonga oba kyali kiruma oba nedda, yalina okukikola mu buli ngeri.

86 Musa yawulira Eddoboozi lya Katonda. Yali ajjudde okuyigirizibwa kw'eddiini. Yali amanyi *akawonvu n'akagga*, naye ne bitakola. Yawulira Eddoboozi lya Katonda, Musa teyasigala kye kimu.

87 Era tewali muntu asigala kye kimu. Oyinza okuwulira mu matu go e—Eddoboozi nga lyogera, naye bw'owulira mu mutima gwo, Eddoboozi nga lyogera, laba, olwo oba owulira. Tolaba na liiso lyo. Otunuza liiso lyo, naye olaba na mutima gwo. Olaba ekintu, n'ogamba nti, "Ssikiraba," obeera otegeeza nti tokitegeera. Towuliza matu go, owulira na mutima gwo. Emirundi mingi amatu go gawulira Eddoboozi lya Katonda ery'amazima, ne likuyitako nga teririna kye likukyuusizzaako. Naye bw'owulirira ddala, owulira na mutima gwo.

88 Kyokka wadde nga Musa yalina okuyigirizibwa kw'eddiini okwo kwonna, yali tawuliranga Ddoboozi lya Katonda. Naye lumu Katonda yazza omusumba w'endiga ono ow'emyaka ekinaana ku mabbali n'ayogera naye, era n'alifuna. Yakakasa nti Yali Katonda. Ekintu ekisooka kye yakola Musa, kwali kukakasa Kigambo Kye nti, "Nzija, nzijukidde kye nnasuubiza."

89 Era kino kye yasuubiza mu biro eby'oluvannyuma. Ajja kuyimusa abantu okuva mu B'amawanga, n'ebisuubizo byonna.

90 "Kino kye nnasuubiza." N'agamba nti, "Musa, ggyamu engatto zo." Mu ngeri endala, kissemu ekitiibwa. "Kati suula wansi omuggo gwo." Awo o—omuggo omukalu ogw'omu ddungu ne gufuuka omusota, Musa n'agukwata, ne guddayo mu nkula y'agwo nate. Okiraba? Yamanya nti oyo Katonda, kubanga Katonda yagamba, Ekigambo kya Katonda, Ekigambo Kye yali ayogera, ky'agamba nti, "Suula wansi omuggo oguli mu mukono gwo." Ekyo Kigambo kya Katonda. Togezaako okukola kintu kye kimu, ekyo ssi Kigambo kya Katonda gy'oli, ekyo Kigambo kya Katonda eri Musa. *Kiikino* Ekigambo kya Katonda gy'oli! "Suula wansi omuggo." Ne gufuuka omusota. N'agamba nti, "Kati ogutidde? Gukwate akawuuwo oguggyewo," ne guddawo nate. Ekigambo kya Katonda gy'ali. Kiki kye yakola? Katonda yakakasa Ekigambo Kye.

91 Nnafuna wano essimu eyankubirwa emyezi mitonoko emabega, nga, giweze, o, guweze omwaka, omwaka n'okusoba. Omukyala omu ku ludda luli olw'essimu, n'omubuulizi

Omubaputisiti, n'omubuulizi Omupentekoote. N'agamba nti, "Ow'oluganda Branham, Mukama anfudde nnabbi omukazi."

Ne ŋŋamba nti, "Kirungi."

92 N'agamba nti, "Omanyi, baŋŋamba nti wagamba wa—walina obukakafu nti obuweereza bwange buva eri Katonda."

93 Kati, ekyo ssisobola kukikola, kikontana n'Ekigambo. Kale ne ŋŋamba nti, "Nnyabo, eyo nsobi. N'okukumanya sikumanyi."

94 N'omubuulizi Omubaputisti, nnamuwulira, nnawulira omubuulizi Omupentekoote. Omukazi n'agamba nti, "Kale, nnina olukuŋŋaana wano." N'agamba nti, "Mukama akola eby'amaannyi."

95 Ne ŋŋamba nti, "Nkisanyukira ekyo." N'agamba nti . . . ne ŋŋamba nti, "Alina kyonna kye yali akugambye?"

N'agamba nti, "Weewawo, nnina enteekateeka ennene wano."

96 Ne ŋŋamba nti, "Kirungi nnyo." Ne ŋŋamba nti, "Kati, nteekateeka ki eyo?" Ne ŋŋamba nti, "Kiki Mukama kye yakugambye?"

97 "Yaŋŋambye nti, 'Genda mu Phoenix, Arizona, ennaku z'omwezi *bweziti ne-bweziti,* era ŋŋenda kukuwa Ekirombe kya Zaabu eky'Omudaaki ekyabula, era ogenda kutwala zaabu oyo asangibwamu era ogenda kuwagira ababuulizi b'enjiri okwetoloola ensi.'" Nga ate ffena tukimanyi nti Ekirombe ky'Omudaaki lufumo bufumo. "Bw'atyo bwe yagamba."

98 Ne ŋŋamba nti, "Kale, ŋŋenda kukubuulira bw'oyinza okutegeera oba nga Katonda oba nedda." Ne ŋŋamba nti, "Ggwe beerayo ku lunaku olwo. Era bw'olizuula Ekirombe ky'Omudaaki, olwo nga omanya nti oyo Katonda. Bw'otalizuula Kirombe kya Mudaaki, awo weenenye omwoyo ogwo ogw'okulimba gusobole okukuvaako." Bw'otyo bw'oyinza okutegeera oba nga Katonda oba nedda.

99 Katonda yagamba nti, "Musa, suula wansi omuggo, era gujja kufuuka omusota." N'akikola. N'agamba nti, "Gulondewo era gujja kufuuka omuggo nate." N'akikola.

100 Katonda bw'akola ekisuubizo eky'obuweereza mu nnaku zino ez'oluvannyuma, Ajja kukikakasiriza ddala nga bwe yagamba nti alikikola. Olwo n'otegeera nti olina Eddoboozi ettuufu. Owuliriza Ekintu ekituufu, kubanga kye Kigambo nga kikakasiddwa. Okiraba? O, nga . . . munsonyiwe, Ndi . . . Kale.

101 Musa yeeyisa mu ngeri ya njawulo. Laba ekintu e—ekisesa Musa kye yakola. Kati, bulijjo bw'oba nga ogoberera Eddoboozi lya Katonda, obeera mulalu, eri ensi. Enkeera, baasanga Musa, ne mukyala we nga batudde ku nnyumbu, n'omuto ku mugongo gwe, oba eyo njogera ya mu maserengeta, "omwana" ku mugongo gwe, nga baabali mu kkubo. Omusajja ono omukadde

ow'ekirevu ekireebeeta *kiti*, n'ekiwalaata kye ekimasamasa, akutte omuggo mu mukono gwe, nga akulembedde endogoyi, nga akkirira okwolekera Misiri ng'atambuza maanyi nga bw'asobola. Ne wabaawo agamba nti, "Musa, ogenda wa?"

102 "Nserengeta mu Misiri, kugiwamba." Nnewakubadde yalemererwa nga muvubuka, yalemererwa nga munnamaggye, naye wuuno wano agendayo kuwamba. Era yakikola. Lwaki? Yawulira Eddoboozi lya Katonda n'aliraba nga likakasibwa mu biro bye; olw'ebintu eby'alina okubaawo mu biro bye, yabiraba.

103 Pawulo, Omufalisaayo eyali yeemanyi, nga ajjudde okuyigirizibwa kw'eddiini kwonna, naye lumu yawulira Eddoboozi lya Katonda. Yalaba Empagi y'Omuliro, era yamanya nti waaliwo ekintu eky'enjawulo. Kyakyuusa obulamu bwe. Ssi nsonga Bafalisaayo bameka, ba Gamalyeri bameka oba ekintu kyonna ekyagambanga Pawulo nti, "oli mukyamu, oli mukyamu," Pawulo yali awulidde Eddoboozi lya Katonda, nga akimanyi nti ge Mazima.

104 Peetero, munnaddiini nga bwe yali, ng'akuuma obulombolombo bw'abakadde, nga talya nnyama yonna. Nedda, ssebo. Yali tayagala kuwulira bikwata ku nsonga eyo n'akatono. Yakuumiranga ddala obulombolombo bw'abakadde, mu buli Kigambo. Kiki ekyabaawo? Lumu yawulira Eddoboozi lya Katonda nti, "Tobiyita bitasaana era ebitali birongoofu, nga mbirongoosezza." Yali muntu akyusiddwa. Yali mwetegefu okugenda yonna Mukama gy'amutuma.

105 Mu kumaliriza, nnyinza okwogera kino. Waliwo lumu omusajja eyali omukkiriza. Yali amaze ennaku nnya nga afudde. Yali mu ntaana, nga awunya, avunze, naye yawulira Eddoboozi lya Katonda nga lyogera nti, "Laazaalo, vvaayo!" Era bwe liba nga lyajjayo omusajja oluvannyuma lw'okufa n'avunda, lisaanidde kukola ki eri ekkanisa ekyalimu obulamu? Liteekwa okubazuukiza, okuva mu kutabulwatabulwa kw'amaloboozi gano gonna ge twogeddeko, ag'eddiini, eby'obufuzi, Hollywood, obunabbi bwonna obw'obulimba n'ebintu ebigenze bisaasaana. Mu makkati g'ebyo byonna, Eddoboozi lya Katonda lijja kuyita omuntu, eyafiira mu bibi n'okwonoona, abeere mulamu nate. Liteekwa okuyimusa ekkanisa eyagwa ne ligiyita n'eddamu n'eba nnamu nate. Ddala!

106 Jjukira, mu kumaliriza, njogera kino, mmalirize. Yesu yagamba nti, "Ekiseera kyali kijja, bonna abali mu ntaana lwe baliwulira Eddoboozi lya Katonda." Era ogenda kuliwulira. Ssi nsonga mbeera ki gy'olimu, ogenda kuliwulira mu buli ngeri. Era abamu ku baliva mu ntaana, baligenda mu kusalirwa musango. Bawulira Eddoboozi, naye nga libasalira musango. Era bw'oliwulira leero, "Leero, oluvannyuma lw'ekiseera ekinene, bwe muwulira Eddoboozi Lyange, temukakanyaza mitima gyammwe, nga bwe mwakola mu biro eby'okusosonkereza."

Era bantu mmwe, Abapentekoote bwe mwekolamu ebibiina okunsinziira ku biyiiye nate, mu kufaanana ensi, "nga mulina ekifaananyi eky'okutya Katonda naye nga mwegaana Amaanyi g'akwo," nga temunnazuukirira musango, kubanga Eddoboozi lya Katonda eryogera gye muli kati okuyita mu Kigambo lijja kubasalira omusango ku lunaku luli.

107 Bw'oba nga oli mukkiriza ow'ekibuguumirize kyokka, Eddoboozi lya Katonda likaabira mu mutima gwo enkya ya leero nti, "Oli mukkiriza wa kibuguumirize," osaana weenenye!

108 Basajja mmwe, abakazi, abalenzi oba abawala, abatagoberera Kristo, Eddoboozi lya Katonda ne lyogera gy'oli okuyita mu Kigambo Kye ne likugamba nti "lekera awo okukola ekyo," osaanye okulekera awo okukikola. Kubanga ogenda kuliwulira nate olunaku olumu, era lirikusalira omusango. Toyinza kulyegaana, lyogera gy'oli kati. Era, jjukira nti, bikwatibwa ku lutambi.

109 Era abo abakola obulungi ne bawulira Eddoboozi Lye, balizuukirira obutuukirivu, Ekitiibwa, n'Eggulu.

110 Kale waliwo lw'oliwulira Eddoboozi lya Katonda. Oba oli awo mu kimpowooze enkya ya leero lyogera mu mutima gwo, nti olina okukyuka okuva mu kkubo ly'okutte, komawo eri Katonda. Kati, jjukira, bajja kukwata ku lutambi Eddoboozi eryo eryogera eri omutima gwo, mu Ggulu. Era lumu Yesu bw'aliyita, na bonna abali mu ntaana, bonna, abalungi n'ababi, balizuukira. Olwo Eddoboozi lino lye limu lirikomawo butereevu gy'oli nti, "Mu Phoenix, Arizona, ku makya ga Ssande *bwegati,* omubuulizi lwe yabalwisaawo, ng'ayogera ku Ddoboozi, nnayogera gye muli; ne mbagamba mmwe abakazi muleke enviiri zammwe zikule, mulekere awo okwambala mu ngeri ey'obugwenyufu; ne mbagamba mmwe abasajja okulekera awo okulimba okwo, okufuweeta sigala; ne mbagamba mmwe ababuulizi okukomawo eri Ekigambo kya Katonda." Mulaba kye ntegeeza? Ekyo kituufu.

Eddoboozi eryo ettono ligamba nti, "Kyandiba ekituufu."

111 Ssinga nnalina kujja nga Nikodemo, era nnaandigezezzaako okutuukayo. Nnaalizze gy'Ali, ne mbaako we ŋŋenda wano mu ddungu, ne ŋŋamba nti, "Mukama Katonda, nzuuno, nkyusa kaakano. Mmumba mu kikula Kyo." Komawo eri Ekigambo. Wonna w'olaba nti toteredde na Kigambo, komawo butereevu eri ekyo, kubanga awasinga obunafu mu lujegere we waba amaanyi gaalwo. Era mu bulamu bwo wonna w'ovudde ku kiragiro kya Katonda, okuweereza obulombolombo, awo olujegere lwo we lujja okukutukira ssi nsonga oli munywevu otya mu bintu ebirala. Wenywereze ku mukono gwa Katonda ogutajjulukuka.

112 Leka tusabe. Leero, oluvannyuma lw'ebbanga eddene, Mukama, wagamba nti olyogera, oliwandiika amateeka Go ku bipande by'emitima. Ssimanyi kiri mu maaso gange. Kimu

kyokka kye mmanyi okukola kwe kutwala Ekigambo Kyo ne nkyanjuluza, mazima kijja kunnyikira wansi w'enjazi awamu. Nsaba, Katonda, nti oyogere na buli muto, buli muvubuka, omukadde, kyonna kyali. Yogera n'omutima gwange, Mukama. Yogera n'emitima gy'abaweereza bano. Yogera n'emitima gy'ekibiina.

113 Tusaba, Kitaffe, nti leero tuwulire Eddoboozi Lyo. Era tumanyi, nga bwe kyali mu biro bya Samwiri, okwolesebwa okw'olwatu kintu ekitasangika, era kwawuniikiriza abantu. Bwe kiri ne leero. Tulina ebirooto n'abaloosi, tulina aboogera n'abavvuunula, naye okwolesebwa okw'olwatu okujja n'Ekigambo kya Mukama, ne kugolola. . .Tusaba, Kitaffe Ow'omuggulu, nti Eddoboozi eryo eryali lyogerera waggulu mu ddungu nti, "Mulongoose ekkubo lya Mukama," kubanga tukkiriza nti Omwoyo Omutukuvu awa Eddoboozi eryo nate leero nti, "Mwetegekere Okujja kwa Mukama!" Era nga ssi lya bulijjo, kubanga waliwo amaloboozi amalala mangi agagezaako okulisannyalaza n'okulisaanyawo, naye lya muwendo mu matu g'abo abaliwulira. Nsaba nti Omwoyo Omutukuvu kaakano akole omulimu mu mitima gyaffe ffenna.

114 Era nga tukotese emitwe gyaffe, era nzikiriza n'emitima gyaffe tugikotese: Bw'oba olina w'omanyi w'ojeemye mu bulamu bwo, waliwo Ekyawandiikibwa ky'omanyi, ky'omanyi okuba nti njigiriza ya Bayibuli gy'ogaanye okuteeka mu nkola, kubanga waliwo kwe kiva, eddoboozi lya Hollywood lyakuleetera okukola ekikontana. Awamu mmwe abaweereza mulina we muzudde mu Bayibuli, okuba nga ge Mazima gennyini, naye nga okimanyi nti ekibiina kyo eky'eddiini kijja kukugoba ssinga oyigiriza Ekyo, ate nga okimanyi nti ge Mazima ddala. Eri mmwe abantu abatwala ebikyamu, ne mutambulira mu bulamu obukyamu. Mmwe ba taata ne ba maama abatagezaako kugolola baana bammwe, abatagezaako kubakuza bulungi. Oyinza okugezaako nga bw'osobola, naye era nga beeyongera kweyisa nga nsi, naye leka kibe nti obateereddewo eky'okulabirako. Era bw'oba nga ekyo si ky'okola, Eddoboozi lya Katonda lyogera gy'oli nti, "Tokikola."

115 Era kati nga buli mutwe gukotekeddwa n'amaaso gonna nga gazibiriziddwa, era leka Katonda Ow'omuggulu atunule munda mu mutima gw'omuntu oyo alumwa enjala era azuule waali omukyamu. Era n'omukono oguyimusiddwa eri Katonda, nga agamba nti, "Mukama, mazima ddala njaayaanira Eddoboozi Lyo okunzijamu obutakkiriza bwonna, n'ebintu byonna ebitakufaanana, onfuule ky'Oyagala mbeere." Osobola okuyimusa emikono gyo, nga bwo. . .? Mukama awe omukisa. Katonda akuwe omukisa.

116 Kati Bayibuli yagamba, Yesu yagamba, era newakubadde waliwo amaloboozi gano amalala nti, "Naye omuntu

bw'awulira Eddoboozi Lyange." Mugoberere, ogenda kufuna ky'oyaayaanira.

117 Mukama, obudde buweddeyo. Naye Bayibuli yagamba nti, "Bonna abakkiriza, baabatizibwa." Nsaba, Kitaffe Ow'omuggulu, nti buli omu kw'abo abawanise emikono gyabwe mu kwatula okw'amazima, nti Ekigambo kya Katonda kye basomye, ne balaba nti babadde bakyamu. Ssirabye wadde ekitundu ku bo. Ssi nze nnina okubalaba, wabula Ggwe alina okubalaba, Mukama. Omanyi ekiruubirirwa n'ekigendererwa ebiri emabega w'omukono oguyimusiddwa. Leka, okuva mu ssaawa eno yennyini, bamalirire mu mitima gyabwe nti, "Okuva leero, okweyongerayo, nja kutwala Ekigambo kya Katonda n'Eddoboozi lya Katonda, mbigoberere omuwendo ka gube nga gwenkana wa." Era teeka mu birowoozo byabwe, nga bwe bagenda, oluyimba lw'omutontomi nti, "Yesu asaanye yetikke yekka omusaalaba, ensi yonna egende ngalo nsa? Nedda, waliwo omusaalaba eri buli omu; waliwo omusaalaba ogwange. Era omusaalaba guno omutukuvu nja kugwetikka, okutuusa okufa lwe kulinsumulula." Era Eddoboozi lya Katonda bwe lyogera nti, "Ndivaayo mu butuukirivu Bwe, kubanga nnagoberera Eddoboozi Lye, Eddoboozi ery'Ekigambo Kye." Mbawayo gy'Oli kaakano, Mukama, mu Linnya lya Yesu Kristo.

118 Kati nga tukotese emitwe gyaffe, nga bw'okola okwatula kwo n'obweyamo bwo. Nneewunyizza akalenzi akato akatudde wano, nga kanyeenya omutwe gwako. Era waliwo Eddoboozi eri ekkanisa, "Nze Mukama awonya endwadde zo zonna." Eryo lye Ddoboozi mu kkanisa. Era mwenna abeetaaga okuwonyezebwa, nga mutambulira mu bulamu obulongoofu eri buli Kigambo kya Katonda kye mumanyi nti kituufu, nga mweetaaga okuwonyezebwa, ssimanyi oba musobola okuyimusa emikono gyammwe. Muyimuse emikono gyammwe nti, "Mukama, nneetaaga okuwonyezebwa." Kale.

119 Kati, kuumira Eddoboozi eryo mu mutima gwo, "Nze Mukama awonya endwadde zo zonna." Jjukira, Ekigambo bwe kyogerwa, kiteekwa okutuukirira. Yesu yagamba, Makko 11:22 nti, "Bw'oligamba olusozi luno nti, 'Sigulibwa,' n'otabuusabuusa mu mutima gwo, naye n'okkiriza nti ky'oyogedde kinaakolebwa, kirikuweebwa."

120 Kaakano, buli omu mu ngeri yo kati, koteka omutwe gwo, oyatule, "Mukama, nzikirizza Ekigambo Kyo. Mpulira Eddoboozi Lyo nga liŋŋamba nti Ggwe omu jjo, leero, n'emirembe gyonna." ŊŊenda kukkirira wansi nteeke emikono ku mwana ono, kubanga muto nnyo okutegeera ekigenda mu maaso, mulenzi muto omulungi, ali mu myaka n'ekigera nga ebya Joseph wange omuto. Era njagala mwenna mubeere mu kusaba, nga musaba nti, "Mukama, mpulira Eddoboozi Lyo. Nzikiriza."

121 Kitaffe Ow'omuggulu, tuleeta ekibiina kino gy'Oli olw'okuwonyezebwa kw'emibiri gyabwe. Era, Mukama, wano waliwo omwana omuto, obwedda asikiriza amaaso gange nga mbuulira Obubaka, nga ndaba omuzadde atudde wano nga asitudde omuto ono. Okuyita mu kuwonya okwa ssayansi, tewali ssuubi eri omulenzi ono omuto. Waliwo Eddoboozi lya Katonda erifuga buli kintu. Era nga ekkanisa eno yeggase wamu okukola buli kiragiro kyonna kye mmanyi okukola, ebisigadde biri eri Ggwe, Kitaffe. Nzikirira wansi okussa emikono ku mwana oyo.

122 Katonda Kitaffe, mu Linnya lya Yesu Kristo, kino nkinenya. Leka amaanyi ga Katonda, okuwonya kwa Katonda . . . Leka mu ye wabeerewo enjawulo ey'amaanyi mu ddakiika ettaano eziddako . . . ? . . . leka bonna . . . ? . . . ku lw'ekitiibwa Kyo.

123 Kitaffe Ow'omuggulu, Ggwe wawa ekisuubizo. Kye kyokka kye mmanyi, Ggwe wawa ekisuubizo. Kikoleddwa, nga bwe kyayogerwa nti, "Ssinga *oly'ogera* eri luno," nange njogera eri buli ssitaani w'endwadde oba okunyigirizibwa asibye ekibiina kino, asibye abantu bano, buli mwoyo ogw'obutakkiriza, njogera nti, "Muve ku bantu, mu Linnya lya Yesu Kristo!" Kati, tumanyi nti kyawandiikibwa, era kati kyogeddwa, leka kikolebwe, olw'ekitiibwa n'ettendo eri Katonda. Era kisabiddwa mu Linnya lya Yesu Kristo.

124 Kati, mmwe abasobola okukkiriza, era nga mukkiriza, ka kibe ki ekibaawo, tekyetaagisa kumala kubaawo, kubanga ensigo ekusigiddwamu. Ekintu ekyo ekitono mu ggwe, Eddoboozi eryo. Bazadde b'omwana ono, ssi nsonga oba embeera y'omwana eri etya, mukkiriza nti ensigo ya Katonda egudde mu mitima gyammwe, nti omulenzi oyo ajja kutereera? Abasigadde nga bwe musabiragana, buli omu nga asabira munne, mukkiriza nti ensigo ya Katonda esse mu mutima gwo nti, "endwadde yange ewonye"? Kale essaala ey'okukkiriza ekusabiddwa, komerera enkondo eyo enywere. Era Ssitaani bw'agezangako, komawo butereevu nti: "Bwe nnayimirira mu kkanisa eyo ey'Abasipeyini, ku makya ago aga Ssande, okusaba okw'okukkiriza kwansabirwa. Era Katonda yasuubiza!" Okusaba okw'okukkiriza kulirokola omulwadde ne Katonda alimuyimusa. Kiteekwa okutuukirira. Mukikkiriza? Mugambe nti, "Amiina." Mukama abawe omukisa. Kati nzizaayo olukuŋŋaana eri Ow'oluganda Rose, wano nsuubira, Ow'oluganda Jewel Rose.

*Eddoboozi Lya Katonda Mu*
*Nnaku Zino Ez'Oluvannyuma* LUG63-0120M
(The Voice Of God In This Last Days)

Obubaka buno obwabuulirwa Ow'oluganda William Marrion Branham, bwabuulirwa mu Lungereza ku makya ga Ssande, nga 20 Jjanwali, 1963, mu Kkanisa y'Abapositoliki mu Phoenix, Arizona, mu Amerika, buggyiddwa ku lutambi olwa kkaseti ne bukubibwa mu Lungereza nga tebukyusiddwamu. Buno obuvvuunuddwa mu Luganda bwakubibwa era ne busaasaanyizibwa aba Voice Of God Recordings.

LUGANDA

©2020 VGR, ALL RIGHTS RESERVED

Voice Of God Recordings
P.O. Box 950, Jeffersonville, Indiana 47131 U.S.A.
www.branham.org

## Copyright notice

All rights reserved. This book may be printed on a home printer for personal use or to be given out, free of charge, as a tool to spread the Gospel of Jesus Christ. This book cannot be sold, reproduced on a large scale, posted on a website, stored in a retrieval system, translated into other languages, or used for soliciting funds without the express written permission of Voice Of God Recordings®.

For more information or for other available material, please contact:

Voice Of God Recordings
P.O. Box 950, Jeffersonville, Indiana 47131 U.S.A.
www.branham.org